


DICKSON KULUMBA

Katikkiro Mayiga (owookusatu ku kkono) ng'awayaamu ne Kironde. Ku kkono ye minisita Israel Kitooke ng'addiriddwa minisita Joseph Kawuki.

# Katikkiro awabudde abakuumaddembe ku kampeyini

Bya DICKSON KULUMBA

KATIKKIRO wa Buganda, Charles Peter Mayiga avumiridde engeri etyoboola poliisi gy'ekwatamu n'okugumbulula ababeera ku kampeyini z'abeesimbyewo ku Bwapulezidenti bwa Uganda.

Mu ngeri y'emu yasabye bannabyabufuzi okukomya omuze gw'okuwaanyisiganya ebisongovu ku budaala.

Bino biddiridde poliisi okukozesa eryanyi erisusse mu nkung'aana za pulezidenti wa NUP, Kyagulanyi Ssentamu naddala bwe yabadde e Mbarara, Kawempe, Mukono ne Buikwe.

Mayiga yasinzidde mu Bulange e Mmengo ku mukolo gw'okutikkula oluwalo n'agamba nti tewali kyali kyetaagisa bapoliisi kukwata bantu mu ngeri eno etyoboola era eyeesitazza abaana!.

Ku mukolo guno, Katikkiro yatikkuliddeko aba Janan Schools abakulirwa Mike Kironde abaaleese oluwalo lwa bukadde 40.

Kuno kwegasseeko oluwalo lw'abantu okuva mu masaza okuli; Busiro, Buddu ne Mawokota lwa 112,809,292/-. Obukadde 51 ze zaaleeteddwa okuva mu Buddu, Ssingo n'essomero lya MUMSA High School e Mityana.

Yawadde poliisi amagezi okugoberera Ssemateeka ng'ekwata abantu kuba asigala awa omuntu omukisa okukwatibwa mu kitiibwa nga tatyobooddwa.

"Nalaba abaserikale e Mbarara nga basikambula omuwala ne bamwambulamu n'engoye. Nabadde ndowooza oba oyo omuwala yazadde omwana n'amukasuka mu kaabuyonjo, oba yawadde bba obutwa? Kiki ekyambuzaamu omuntu engoye ate nga mukazi?," Mayiga bwe yeebuuzizza.

"Amateeka gagamba abakuumaddembe okukuuma ekitiibwa ky'oyo aba azzizza omusango ne bwe baba bamukwata. Kale mu kiseera kino eky'akalulu we tusinga okwetaaga obutebenkevu, ku ludda olw'abawagizi n'abakuumaddembe mu ggwanga lyonna," Mayiga bwe yawabudde.

Mayiga yalung'amizza nti kampeyini zino zaali zitandise bulungi kyokka effujjo eritandise okuzeetobekamu, lyerakirizza!